# Ebya S4 bya leero

Bya VIVIEN NAKITENDE



Musamba owa UNEB

EBIGEZO bya S4 ebyakolebwa omwaka oguwedde 2025, byakufulumizibwa leero ku Lwokutaano.

Omwogezi w'ekitongole kya UNEB, Jennifer Kalule Musamba yategeezezza nti ebyava mu bigezo byakufulumizibwa minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo, Janet Kataha Museveni olwaleero. Ku Lwokusatu, ab'ekitongole ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB wamu n'abakungu ba minisitule y'ebyenjigiriza, lwe baasisinkanye minisita mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero ne bamuyitiramu ebyava mu bigezo bya siniya eyookuna.

Abayizi 432,159 be baatuula ebigezo bya siniya eyookuna okuva nga October 13, okutuuka November 2025. Ku bano kuliko abayizi ebitundu 52.7 ku 100 bawala ate ebitundu 47.3 ku 100 balenzi. Abayizi 679 be baaliko obulemu. Abatalaba baali 28, abayizi 60 bazibe b'amatu, 113 tebalaba bulungi ate 73 baalina obulemu ku mibiri gyabwe.